# Number Plate bw'egwa mpita mu mitendera ki okufuna empya?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo byanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.


Ppikippiki ezitalina Number Plate mu maaso.

BUUZA KAMISONA



Akulira URA, Musinguzi.

**Bwe mba nagula ppiki enkadde ng'eriko Card nga Number Plate yagwa, bwe mba njagala okufuna Number Plate endala nkola ntya?**

Buli lw'oba weetaaga okufuna obuweereza ku kidduka, amannya agali ku kkaadi gateekeddwa okuba nga gago oba nga ga muntu gw'osobola okutuukako amangu. Emitendera gy'oyitamu mu mbeera eno gye gino wammanga:

- Langa mu mawulire ng'otegeeza omuntu yenna ayinza okuba nga yalonda ennamba ya ppikippiki yo, ng'ekirango kino kirina okumala ebbanga lya wiiki bbiri okuva lwe kifulumiziddwa.
- Oluvannyuma tegeeza poliisi ku nnamba ya ppikippiki yo eyabula oweebwe alipoota ya poliisi.
- Yingira mu akawunti y'oyo ekidduka mwe kyawandiisibwa, owanuleyo ffoomu eri wansi wa Motor Vehicle naye ng'esaba Duplicate ya Number Plate.
- Mu ffoomu eyo waliwo w'ossa alipoota ya poliisi n'eggulire lye walangamu.
- Ssaamu okusaba nnamba plate bbiri kubanga ne bw'oba nga wasuula Number Plate emu oteekeddwa okuweebwa ennamba bbiri.
- Oluvannyuma kyalira ofiisi y'ekitongole ky'ebyentambula esangibwa ku kitebe kya URA ekikulu, ensonga yo ekolebweko.

**Nsaba kuntangaaza ku musolo gwa Withholding tax.**

Omusolo gwa Withholding tax gwegwo oguggyibwa ku muntu oba kkampuni esasulwa ensimbi okuva eri omuntu oba kkampuni endala. Omusolo guno guggyibwa kw'oyo asasuddwa ensimbi ezisukka akakadde kamu, ng'era gumuggyibwako oyo eyaweebwa olukusa (withholding agent). Oyo yenna aggye omusolo guno ku mulala, ateekeddwa okugwanjula eri URA mu mwezi oguddako. Jjukira nti oyo aggyiddwaako omusolo guno aweebwa ekiwandiiko ekiraga nti osasudde omusolo ng'era akikozesa okukendeeza ku musolo ogumubanjibwa mu kiseera w'ateeramu litaani y'omusolo ku nnyingiza.

**Etteeka eryayisiddwa Palamenti erifuga ebiyiiye erya Copy Right Bill, ligenda kuyamba litya URA?**

Etteeka lino, omukulembeze w'eggwanga bw'anaaba alisizzaako omukono, lya kuyambako URA okuggya omusolo gwa Withholding tax ku nsimbi ezisasulwa bannabitone buli biyiiye byabwe lwe bikozesebwa, ekitegeeeza nti awaggyibwa omusolo wanaaba wagaziye. Ebitundu 10 ku 100 (10%) byakuggyibwanga ku nsimbi ezisasulwa mu kimanyiddwa nga loyalties.

**Ssinga nneesanga nga nsasudde ssente nnyingi okusinga ze nnina okuwa, waliwo omukisa gw'okuzongerezaako omulundi gwe nziramu okusasula?**

Omukisa ogwo weeguli. Kino kiri bwe kityo kubanga URA etunuulira ebitabo byo ng'ekkuguliddewo ledger n'emanya omusolo gw'olina okusasula. Ssinga kizuulibwa nti mu kiseera ekiyise wasasula omusolo mungiko okusinga ogwo gwe wali oteekeddwa okusasula, olwo, guno guyambako okukendeeza ekkatala ly'omusolo gw'oba olina okusasula mu kiseera ekyo.

## Aba UPDF abalawuna babeera banoonya abatawa misolo?


**Kituufu nti abasirikale ba UPDF abaateekebwa ku nguudo ez'enjawulo ezifuluma Kampala, babayambako okuzuula abantu abatawa musolo bulungi?**

Omuserikale wa UPDF aweebwa obuvunaanyizibwa bwonna okuva eri bakama be okusinziira ku bwetaavu obubeerawo mu kiseera ekyo. Ennaku zino waliwo abaserikale abassibwa mu bifo eby'enjawulo kyokka obuvunaanyizibwa bwabwe si kunoonya musolo gwa Gavumenti, wabula ensonga endala ezimanyiddwa eggye ly'eggwanga.

**Ddi lwe mpanduukulula TIN ya bizinensi yange era nkikola ntya?**

Bw'oweebwa TIN kitegeeza nti okola bizinensi, olina ennyingiza era otuukiriza obuvunaanyizibwa bwo ku musolo. Kyokka bwe weesanga nga bizinensi tesobola kugenda mu maaso olw'embeera eteebeereka, otukyalira n'otutegeeza nga bizinensi yo bw'etekyakola.

Wano oweebwa ffoomu n'ogijjuza, olwo TIN yo n'eyimirizibwa. Bwe weesanga ng'ozzeemu okukola bizinensi, era otutegeeza TIN yo n'eddizibwawo.


Abaserikale ba UPDF nga balawuna.

## Bwe ntandika bizinensi empya nnina okugifunira TIN yaayo?

**Singa ntandika bizinensi empya, nteekeddwa okugifunira TIN yaayo oba nkozesa yange ng'omuntu?**

Bw'otandika bizinensi empya kyokka ng'osangiddwa olina TIN, ekisingako kwe kugatta bizinensi eyo ku TIN yo, olwo ensonga za bizinensi yo naawe ng'omuntu n'oziddukanyiza wamu.

**Mirembe e Lungujja, mulina lipooti eraga ssente ze mukung'anya kye zikola? Tukooye okuwa omusolo nga buli wantu wajjudde kasasiro.**

Mukyala Mirembe, URA ekola alipoota eraga ensimbi ezikung'aanyizibwa buli mwaka eri minisitule y'ebyensimbi n'eri Bannayuganda. Oluvannyuma, ensaasaanya y'omusolo ogukung'aanyiziddwa n'enkozesa yaagwo byanjulwa buli mwaka eri Bannayuganda mu mwezi embalirira mw'esomerwa.

**Munnayuganda ali ku misomo mu America bw'afunayo emmotoka ng'ekirabo, bw'atuuka okukomawo e Uganda era kimukakatako okugisasulira omusolo?**

Omuntu yenna awangaalira mu ggwanga eddala n'abaako emmotoka emuweebwa oba gy'agula n'amala nayo ebbanga eritakka wansi wa mwaka gumu, bw'atuuka okudda mu Uganda, emmotoka eyo tagisasulira musolo, bw'eba ng'ebiwandiiko byonna biri mu mannya ge.